**"Yesu Kristo jjo ne leero aba bumu n'okutuusa emirembe n'emirembe"**
(Abaebbulaniya 13:8)

# Ebbaluwa Omwezi **Gw'okuna 2020**

## Obubaka bw'ekiseera n'okulagira kwa Katonda

Okulamusa eri abakkiriza bonna, ab'oluganda bonna ne banyinaffe mu nsi yonna ne byawandiikibwa okuva mu 2 Peetero 3:9: *"Mukama waffe talwisa kye yasuubiza, ng'abalala bwe balowooza okulwa; naye aguminkiriza gye muli, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna batuuke okwenenya."*

Kino kye kisuubizo: *"Era oba nga ngenda okubateekerateekera ekifo, ndikomawo nate nembatwala gye ndi; nze gye ndi, nammwe mubeere eyo."* (Yokaana 14:3).

Tuli basimu nnyo eri Katonda olw'ekigambo kye ekyomuwendo era ekitukuvu, ku lw'endagaano enkadde n'empya, Enjiri, ebbaluwa ey'abatume, era n'ekitabo eky'okubikkulirwa. Buli somo lya Baibuli lya teekebwa mu kitabo ekyo, n'amazima gonna.

Ekintu ekikulu ekyabakkiriza bonna kyali era lye somo okujja okw'okubiri okwa Kristo. Nga bwe kiri kaakano, kino kyegatira ddala n'obubaka obusembayo obwatumibwa okuyita, okwawula era n'okuteekateeka ekkanisa ya Yesu Kristo eri olunaku olw'omuwendo olw'okukomawo kwa Mukama waffe.

Mu 2 Peetero 3:14 tusoma: *"Kale, abagalwa, kubanga musuubira ebyo, mufubenga okusangibwa mu mirembe nga temulina bbala newakubadde omusango mu maaso ge."*

Abatume baali ba kulemberwa okuwa abakkiriza ebiragiro eby'enjawulo ku somo ery'okukomawo kwa Mukama waffe. Yokaana yawandiika mu 1 Yokaana 2:28: *"Ne kaakano, abaana abato, mubeerenga mu ye; bw'alirabisibwa tulyoke tubeere n'obugumu, era ensonyi zireme okutukwatira mu maaso ge mu kujja kwe."* kya maanyi nnyo okutwala kino nti omugugu omwoyo gwa Katonda gwe gwateeka ku mitima gy'abatume ku bikwata ku mugaso ogw'okweteekerateekera olunaku luno olw'omuwendo, era n'engeri gwe gw'abatambuza okubiteeka mu buwandiike. Kino kigendera ddala gye tuli okuva bwe tumanyi ddala nti tutuuse mu nsonga y'ekiseera ng'okukomawo kwa

Kristo kunnatera okutuuka, so tusoobole okuba n'obumanyirivu bw'okweteekateeka.

Ebigambo Omutume Pawulo bye yawandiika eri muddu mune Timoseewo bikolebwa ddala gye ndi leero, naye neri bonna ab'oluganda abesigwa ababuulira Ekigambo eky'abikkulwa era ne bagaba emmere ey'omwoyo: *"Weekumenga ekiragiro awatali bbala, awatali kya kunenyezebwa, okutuusa ku kulabika kwa Mukama waffe Yesu Kristo …"* (1Timoseewo 6:14). Kaakano, nga okukomawo kwa Mukama tekunnatuuka, eky'enkomeredde okulangirirwa kulina kubeera kwa Baibuli. Kiri ku kubuulira Ekigambo kya Katonda ekitukuvu awatali kunenyezebwa.

Omutume yawandika mu lunyiriri 15 mu kulaga okukomawo kwa Mukama: *"Kw'aliranga mu ntuuko zakwo Nannyine buyinza yekka atenderezebwa kabaka wa bakabaka era Mukama w'abami …"*

Katonda yateekawo ebintu byonna mu bungi: e'ntegeeka yonna ey'obulokozi, kiki ekiribaawo mu kujja okusooka okwa Kristo, era n'ekigenda mu maaso kaakano ng'okukomawo kwa yesu Kristo okw'okubiri tekunnatuuka. Omutume n'awandiika: *"Kw'aliranga mu ntuuko zakwo …"*

Eyo y'ensoga lwaki kigendera ddala mu biro byaffe nti obubaka bwe buteekateeka okujja okw'okubiri okwa Kristo.

Mu 2 Timoseewo 2:15 tusoma: *"Fubanga okwelaga ng'osiimibwa Katonda,omukozi atakwatibwa nsonyi, ayisa wakati Ekigambo ekyamazima."*

Katonda yalina ebirowoozo byennyini ebya buli kintu era tuli basimu kituufu, ndimusimu ku lw'emyaka mingi gy'ensobodde okulangirira Ekigambo kya Katonda, awatali kuteekawo ku vunuula kwonna; kituufu mbuulira Kigambo kya Katonda kyokka ekitukuvu.

Ndimusimu ddala kubanga Mukama y'andagira mu 1980: **"Omuddu wange, yimuka osome 2 Timoseewo 4!"** N'ayimuka, n'ekwata Baibuli yange n'ensoma: *"Nkukuutirira mu maaso ga Katonda ne Kristo Yesu, alisalira omusango abalamu n'abafu, era n'olwokulabika kwe n'obwakabaka bwe; buuliranga Ekigambo; kubirizanga mu bbanga erisaaniramu n'eritaasaniramu; weranga, nenyanga, buuliriranga <u>n'okugumiikiriza kwonna n'okuyigiriza</u>."*

*"Kubanga ebiro birijja lwe batalikkiriza kuwulira kuyigiriza kw'abulamu; naye amatu nga gabasiiwa, balikunggaanya abayigiriza*

*ng'okwegomba kwabwe bo bwe kuli; baliziba amatu okulekanga amazima, balikyamya okugobereranga enfumo bufumo. Naye ggwe tamiirukukanga mu byonna, bonaabonanga, kolanga omulimu ogw'omubuulizi w'enjiri, tuukirizanga okuweerezakwo."*

Esula yonna erina kingi kyetegeeza eky'enjawulo gye ndi, okuva ku lunaku olwo. Tulaba kulabula kwa ngeri ki okwawandiikibwa mu nyiriri ezisooka. Mu kiseera ekyo, Pawulo yalabula muddu mune Timoseewo. Mu 1980 Mukama yampa ebyawandiikibwa bino awo netulyoka tusoma ebyo Pawulo bye yayogera mu kulaga obuweereza bwe, era kaakano kigendera ddala gye tuli, kubanga bwe bubaka obusembayo obulangirirwa n'ekilagiriro kya Katonda:

*"Naye Mukama waffe yayimirira kumpi nage n'ampa amaanyi; nze ndyoke ntuukirize kye mbuulira, era amawanga gonna balyoke bawulire: n'endokoka mu kammwa k'empologoma."* (2 Timoseewo 4:17).

Tulina ekintu wano eky'enjawulo ennyo. Pawulo yakkiriza nti okubuulira kwe kw'abikkula buli kintu Katonda kye yasalawo mu ntegeeka ye ey'obulokozi, era n'olwekyo Mukama yamuwa amaanyi. Tekyali nti kigambibwa; tekyali ndowooza ya muntu. Okwo kwali kulagira kwa Katonda! Era n'amaanyi agamuweebwa tegali ga Muntu, naye omulimu gw'omwoyo Omutukuvu.

Pawulo yali yawandika ku kukomawo kwa Yesu Kristo, mu 1Abakkolinso 15, ne 1 Abasessaloniika 4 era ne mu byawandiikibwa ebirala. Era nate tusoma mu Tito 1:3 *"Naye mu ntuuko ze yalabisa Ekigambo kye mu kubuulira kwe nnateresebwa nze ng'ekiragiro kya Katonda omulokozi waffe bwe kiri."*

Tusomye nti okujja kwa Mukama kulituuka mu kiseera kyakyo kye yateekawo era wano nti yalabisa Ekigambo kye mu kiseera kye yatuteekerawo. Byomi bigenda mu maaso mu biro byaffe: okulangirira kw'obubaka obw'ekigambo eky'abikkulwa era n'okukomawo kwa Mukama mu biro eby'ateekebwawo.

E'tendo n'ekitiibwa liddire Mukama waffe! Yabikkula Ekigambo kye eky'alagirwa mu biro by'ekiseera kino eri nnabbi we William M. Branham; mu neri efaanana, Pawulo yasoobola okuwa obujulizi ku kulagirwa okwamuweebwa.

Waliwo okuyitibwa okwa Katonda mu ndagaano enkadde n'empya, era ne bonna oba yali Nuuwa, Musa, Eriya, Yokaana omubatiza oba

Pawulo, si kya nsonga yali ani, bonna balina ekilagiro era bonna bakikola.

Endagaano empya entandiika ne Yokaana omubatiza ng'alabika mu kiseera ekyateekerwawo, eky'okulabirako mu kiseera obunnabbi bwa Baibuli bwe bw'atuukirizibwa mu kujja okwasooka okwa Kristo (Matayo 3). Yokaana omubatiza yalina ekiragiro ekya Katonda. Yali musajja eyatumibwa okuva eri Katonda n'okuyitibwa okwa waggulu era n'ateekateeka ekkuba lya Mukama nga bwe ky'alangirirwa mu Isaaya 43, era ne mu Malaki 3:1 mu ndagaano enkadde. Yali alaga Ekigambo era nnakinywererako okuba obujulizi bwe.

Mu njiri ya Yokaana mu sula esook ne bamubuuza: *"Ggwe ani? N'ayatula, n'ateegaana; n'ayatula nti si nze Kristo. Ne bamubuuza nti kale, lw'oli ani? Oli Eriya? N'agamba nti si nze ye. Ggwe nnabi oli? N'addamu nti n'edda, Awo ne bamugamba nti lw'oli ani? Tubaddemu abatutumye. Weeyita ani?"* (vv. 19-22). Era n'abaddamu mu lunyiriri lwa 23. Awo n'awa eky'okulabirako mu Kigambo ekiri mu Isaaya 40:3: *"N'agamba nti nze ndi ddoboozi ly'omuntu ayogerera waggulu mu ddungu nti mulunggamye oluguudo lwa Mukama, nga nnabbi Isaaya bwe yayogera."*

Okuyita mu buweereza bwe abantu bateekebwateekebwa, okweteekerateekera Mukama: *"Era bangi mu baana ba Isiraeri alibakomyawo eri Mukama Katonda waabwe. Alikulembera mu maaso ge mu mwoyo n'amaanyi ng'eriya okukomyawo emitima gya bajjajja eri abaana, n'abatawulira okutambuliranga mu magezi g'abatuukirivu; okutegekera Mukama abantu abateekebwateekebwa."* (Luka 1:16-17).

## KIKI EKIRIWO MU BISEERA BYAFFE

Obubaka William M. Branham bwe yalangirira buleese abaana ab'amazima aba Katonda eri okukkiriza okwasooka okwa ba kitaabwe abatume.

Mukama Katonda akumye era ng'atunulira Ekigambo kye ekitaggwaawo emirembe gyonna. Kirina okwogerwa mu ddoboozi lya waggulu era mubulambulukufu, singa twamaanya Katonda kyakoze mu nnaku eziyise naye nga tetumanyi kye yasuubiza era kaakano alikukola ng'okukomawo kwa Yesu Kristo te kunnatuuka, kirungi ki ekyo kye kyanditukozeko? Waliwo okuyitibwa kwa Katonda ne mu biseera byaffe; Ow'oluganda Branham yasoobola okuwa obujulizi ku ekyo nate emirundi n'emirundi. Wano waliwo okumu ku kwogerakwe

ku ebyo ebyaliwo mu mwezi gw'omukaaga 11, 1933 mu Jeffersonville: **"N'akiwulira nga kyogera nate, "tunulira waggulu!" era bwe n'atunulira, wano n'ewajja empagi y'emu ey'omuliro eyakulembera Isiraeri okuyita mu ddungu. Enkkumi n'ekkumi nga bagitunulidde ng'ekka wansi we nali nyimiridde.**

**Era n'agamba, "Nga Yokaana omubatiza bwe yatumibwa okuteekateeka okujja okwasooka okwa Kristo, obubaka bwo buli butikira ensi era buli teekateeka okujja okw'okubiri okwa Kristo."** (Omwezi gw'okuna 12, 1964).

Kino kyennyini kye kyaliwo mu nsi yonna oluvannyuma lw'okufa kw'ow'oluganda Branham; kifuuse mazima ga bwa Katonda.

Mu mwezi gw'omukaaga 12, 1958, Ow'oluganda Branham yagamba mu Dallas, Texas, "Ow'oluganda Frank ogenda kudayo mu Germany n'obubaka buno."

N'ekibaawo Katonda akoze byombi: yawa ekiragiro okuleeta obubaka era naye nnakakasa nti kyabuulirwa ensi yonna. Ebintu byamaanyi ga Katonda byaliwo mu bulamu era ne mu buweereza bwa William M. Branham, si mu mwezi gw'omukaaga 11, 1933 gwokka, bwe yali abatiza abantu mu kubatiza kwe okwasooka, naye ne mu kunggana ze.

Omutume Pawulo yali awa obujulizi nti obutangavu bw'amulabikira bwe yafuna okuyitibwakwe. Batugamba mu Ebikolwa by'abatume 9: *"Awo bwe yali ng'atambula ng'anaatera okutuuka e Ddamasiko, amangu ago omusana oguva mu ggulu ne gumwakira okumwetooloola, n'agwa wansi, n'awulira eddoboozi nga limugamba nti Sawulo, Sawulo, onjigganyiza ki? N'angamba nti ani ggwe, Mukama wange? Ye n'agamba nti nze Yesu gw'oyiganya ggwe …"* (vv. 3-5).

Pawulo n'awa obujulizi mu maaso ga kabaka Agrippa eyali ow'enjawulo ennyo mu bantu:

*"Awo bwe nali nga ng'enda e Ddamasiko nga nnina obuyinza n'okulagirwa okwava eri bakabona abakulu, mu ttuntu, kabaka, n'endaba mu kkubo omusana ogwava mu ggulu ogusinga okwaka okw'enjuba ne gumasamasa ne gunneetooloola n'abali batambula nange ne tugwa fenna wansi n'empulira eddoboozi nga lyogera nange mu lulimi olwebbulaniya nti Sawulo, Sawulo onjigganyiza ki? Kye kizibu ggwe okusamba ku miwunda. Nze n'engamba nti ggwe ani, Mukama wange? Mukama waffe n'angamba nti Nze Yesu, gw'oyiganya ggwe. Naye golokoka, oyimirire ku bigere byo: kyevudde kulabikira,*

*nkulonde obeerenga omuweereza era omujulirwa we byo mw'ondabidde era ow'ebyo mwe nnaakulabikiranga …"* (Ebikolwa by'abatume 26:12-16).

Mu dagaano enkadde edda, amaanyi g'okubeerawo kwa Katonda galabisibwa mu lulimi olw'omuliro okuva wakati w'ekisaka Musa bwe yawulira okuyitibwakwe. Musa yalina okuggyamu engato ze mu bigere bye kubanga yali ayimiridde mu nsi entukuvu. Awo yali yalagirwa ne Katonda yennyini (Okuva 3).

Mu ndagaano enkadde, Mukama Katonda yalabisibwa yennyini mu butangavu bw'enpagi y'ekire era n'empagi ey'omuliro.

Mu kuva 13 tusoma: *"Mukama n'agenda mu maaso gaabwe emisana mu mpagi y'ekire okubakulembera mu kkubo; era ekiro mu mpagi ey'omuliro, okubaakira: balyoke batambule emisana n'ekiro …"* (v. 21). Ekyo si kya byewunyo? Mukama Katonda teyajja bantu be okuva mu busibe bwokka, okuva mu Misiri naye yagenda maaso g'abo abayitibwa abantu abanunulwa, abo be yakola nabo endagaano. Yabakulembera n'abalunggamya era n'abalaga ekubo emisana n'ekiro. Mu biseera by'olugendo lwabwe olw'emyaka amakumi ana yali n'abantu be – mu maanyi g'empagi y'ekire emisana era n'emumaanyi g'empagi y'omuliro ekiro. *"Empagi ey'ekire emisana n'empagi ey'omuliro ekiro tezaggwaawo mu maaso g'abantu.*" (v. 22).

Kino nate kilagibwa mu Zabbuli 78, olunyiriri 14: *"Era emisana yabakulemberanga n'ekire, n'ekiro kyonna n'omumuli ogw'omuliro."*

Mu Kuva 40 tusoma: *"Bw'atyo Musa n'amala omulimu. Ekire ne kiryoka kibikka ku weema ey'okusisinkanirangamu, n'ekitiibwa kya Mukama ne kijjuza ennyumba. … Kubanga ekire kya Mukama kyabeeranga ku weema emisana, n'ekiro …"* (vv. 33b-34+38).

Ebintu byonna Mukama bye yali yalagira Musa bwe byaggwaawo, amaanyi g'ekitiibwa kya Katonda gajja mu kifo ekisinga obutukuvu esadduku ry'endagaano we lyali era n'ajulira okubaawo kwa Katonda mu bantu be.

Amaanyi g'ekire kya Katonda g'akka wansi ku lusozi olw'okufuusibwa, *"… Eddoboozi n'elifuluma mu kire nti ono ye mwana wange omwagalwa: mumuwulire."* (Makko 9:7; Matayo 17:5). Mu Isaaya 4:5 tusoma ebiribaawo Mukama bw'alimaliriza omulimu ggwe ku lusozi Sayuuni: Awo amaanyi g'ekire kya Katonda galikka wansi nate, era n'ekifo kya Katonda kirirabika n'amaaso: *"Era Mukama*

*alitondera ku buli nnyumba ey'olusozi Sayuuni ekire n'omukka emisana, n'okumasamasa okw'omuliro ogwaka ekiro: kubanga waggulu ku kitiibwa kyonna kulibaako ekiritimbiwako."* Aba bumu jjo ne leero n'okutuusa emirembe n'emirembe.

## OMUJULIZI EYALABA N'AMAASO

N'gyogera kino ng'omujulizi eyala era eyawulira mu kussangamu ekitiibwa mu maaso ga Mukama: nga buli omu bw'amanyi, n'alina omukisa ogw'okubeera mu nkunggana ez'enjawulo ez'ow'oluganda Branham. Bwe yali ng'asabira abalwadde, yalinga agamba "Kaakano amaanyi g'obutangavu bwa Katonda, kaakano empagi ey'omuliro eri waggulu w'omuntu ono n'oyo." newakubadde ebikwata ku muntu oyo gwe yalina okusabira byali bilabisibwa gyali. Mu myaka mingi egy'obuweereza bwe, yali asoobola okwogera emirundi egisuka mu lukumi, **"... BW'ATYO BWAYOGERA MUKAMA ..."**

Mu mwezi gw'olubereberye 20, 1950, Ow'oluganda Branham bwe yali abuulira mu kifo ekinene mu kibuga kya Houston, Texas, abantu nga 8000 baakunggana. Nga bwe yayogera, abali bakuba ebifaananyi mu kifo ekyo James Ayers era ne Ted Kippermann yamukuba ebifaananyi ebimu. Mu biseera by'okukulankulana kwa film, bakizuula nti ekifaananyi kimu kyokka kye kyafulumizibwa, eky'okulabirako amaanyi g'obutangavu bwa Katonda obwali waggulu w'omutwe gw'ow'oluganda Branham.



Omusajja avunanyizibwa ku biwandiko ebyebibuuzo ku FBI mu Washington, Dr George J. Lacy, y'ekebejja ekifaananyi n'awandika mu mwezi gw'olubereberye 29, 1950, nti obutangavu mazima ddala bw'ali waggulu w'omubuulizi, awatali ekyo Camera teyadisobodde kukikwata. Era Katonda yennyini bulijo abadde agabirira era akakasa ebiseera byonna.

Mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 1962, Ow'oluganda Branham yayolekera e Tucson, Arizona, nga bwe yalagirwa ne Mukama mu



mwezi gw'okusatu 1962. Era kyatuukirira nti mu mwezi gw'okubiri 28, 1963, Ekire ekyamaanyi ga Katonda kyali kirabika eri buli omu mu bbanga. Mu kire, ekyalabikira ku lusozi Sunset, Ow'oluganda Branham yalaba b'amalayika musanvu, era awo omusajja wa Katonda yalagirwa: "ddayo e Jeffersonville, kubanga obubonero omusanvu bugenda kubikkulwa."

Kubanga kyawandiikibwa mu mwezi gw'okuna 19, 1963, amawulire agamanyiddwa obulungi age bya Science ne gateeka n'ekifaananyi kye kire ku lupapula olusooka. Amawulire ga Life magazine ag'omwezi gw'okutaano17, 1963, g'afulumya ekiwandiko nga kuliko ekifaananyi kye kire wansi wakyo nga kuliko omutwe "Era ekyama eky'ekire ekya waggulu"

Dr. James McDonald okuva ku Tendekero lya Atmospheric Physics mu Tucson yawandika ekiwandiko ekiwanvu ku kyo naye teyalina kunyonyola kw'akyo. Amawulire gombi galina n'okutuusa leero.

### Okutegera olunaku era n'obubaka!

Mukama waffe akumye Ekigambo kye era akoze ebyo bye yateekateeka okubeera mu kiseera kino. Era n'ebisuubizo bino awatali kubuusabuusa bitukiriziddwa: *"Laba, ndibatumira Eriya nnabbi olunaku olukulu olw'entiisa olwa Mukama nga terunnaba kutuuka ..."* (Malaki 4:5). Kaakano tukyali mu lunaku lw'obulokozi (2Abakkolinso 6:2), Mu kiseera kye kisa. Mukama waffe yennyini yagamba eri abayigirizwa be ku lusozi lw'okufuusibwa, *"N'agamba nti Eriya y'asooka okujja, n'alongoosa byonna ..."* (Makko 9:12). okuyitibwa okusembayo kugenda mu maaso era buli muntu yenna owa Katonda agya kuwulira Ekigambo kya Katonda ekitukuvu era n'akkiriza amazima g'akyo.

Eky'embi, kirina okwogerwa nti newakubadde ebifo eby'amaanyi ga Katonda byali n'abantu ba Isiraeri, era ne bangi ku bo ne bakyama mu mitima gyabwe, so Katonda yalina okulayira: *"Nga bwe nnalayirira mu busungu bwange, nti tebaliyingira mu kiwummulo kyange."* (Abaebbulaniya 3:11; Okubala 14:23). Baasinza ebifaananyi era ne bemulugunya.

Mu 1 Abakkolinso 10, okuva ku lunyiriri 1-4 Pawulo yalaga ebintu ebikulu Katonda byakoze mu makati gaabwe. Olunyiriri 5-10 lulaga ekyo abayisiraeri kye basobya n'engeri Katonda gye yabakangavulamu ku ekyo. N'ewalyoka wajja okulabula: *"Naye ebyo bya babaako abo okubeeranga ebyokulabirako; era ebyawandiikibwa olw'okutulabulanga ffe abatuukiddwako enkomerero ez'emirembe."* (1 Abakkolinso 10:11).

Mu biseera byaffe bw'ekityo bwe kiri teri kye kigasa eri omuntu yenna okulaga ekyo Katonda kye yakola mu buweereza bw'ow'oluganda William M. Branham, singa omuntu yenna bw'ansinza ebifaananyi n'omuntu we ng'alangirira eddoboozi lye okuba "Eddoboozi lya Katonda" era n'okusasanya ebintu ebijweteke. Te kiloggyeka enjigiriza meka e'zobulimba ezitambula wansi w'okwefaananyiza ku nnabbi n'obubaka. Abamu bagamba nti nnabbi yabikkula ebintu ebitawandiikibwa mu Baibuli ekyokulabirako ku bikwata ku bibwatuka omusanvu.

Enjigiriza endala etali yamubyawandiikibwa egamba nti okuzuukira okwabafu kulisooka ne kubaawo nnabbi n'alyoka agenda mu maaso n'obuweereza bwe obw'enjawulo nga "Okusikibwa okw'okusatu" mu weema okumala ennaku 30 okutuuka ku nnaku 40, era oluvannyuma wokka okutwalibwa mu ggulu n'ekulyoka kubaawo. Okusinzira ku baggalatiya 1:8, waliwo ekikolimo ku bantu bwe batyo kubanga babuulira enjiri endala (Okubikkulirwa 22:18-19). Nnabbi yennyini yaddinggaana n'agamba, "tokkiriza kintu kyonna okuggyako nga kiwandiikiddwa mu Kigambo kya Katonda!"

Ow'oluganda Branham yagamba ebiseera bingi, "Obubaka buzeyo eri Ekigambo, buzeyo nga bwe bwali mu kusooka, buzeyo ku Lubereberye, obumanyirivu abakkiriza bwe baalina ku Lubereberye!" Ebyama byonna ebyali bya kwekebwa mu Kigambo kya Katonda bya bikkulwa. Tukkiriza ekyo, tewali, ekyenkomeredde tewali kiyinza kugatibwa ku Kigambo (Okubikkulirwa 22).

Tewali bulimba obuva mu mazima (1Yokaana 2:21), era buli w'amazima awulira era akkiriza Ekigambo kya Katonda kyokka. Awatali kubuusabuusa nti Katonda omutukuvu tayinza kuteeka kabonero ke ku bulamu obw'ekibi. *"Obatuukuze mu mazima: Ekigambo kyo ge mazima."* (Yokaana 17:17). Omutume Yokaana yawandiikira abo abategera amazima: *"Olw'amazima agabeera mu ffe era aganaabeeranga naffe emirembe n'emirembe."* (2 Yokaana 2). Amiina!

Bonna abakkiriza ebigambo by'abantu n'abalimba balibeera wabweru. *"So temuliyingira n'akatono ekintu kyonna ekitali kilongoofu newakubadde akola eky'omuzizo n'obulimba wabula abo bokka abawandiikiddwa mu kitabo eky'obulamu eky'omwana gw'endiga."* (Okubikkulirwa 21:27).

Katonda abagabirire ekisa so buli muntu yenna ategere nti tutuuse mu biro by'ekiseera ekisembayo, ebintu byennyini ebyasalirwawo era n'ebyatusuubizibwa mu Kigambo kya Katonda bigenda mu maaso mu kiseera kino. (Ebikolwa bya'abatume 13:41). waleme kubeerawo omuntu yenna ku ffe alina omutima omujeemu. Mukama waffe kye yayogera ku yerusaalemi kikyali ky'amazima n'okutuusa leero: *"N'agamba nti singa mumanyi ku lunaku luno, ggwe, ebigambo eby'emirembe, Naye kaakano bikwekweddwa amaaso go!"* (Luka 19:42).

Ayita ababe: *"Naye ebigambo ebyo bwe bitanulanga okubaawo mutunulanga waggulu, muyimusanga emitwe gyammwe: kubanga okununulibwa kwammwe kunaatera okutuuka."* (Luka 21:28).

Lekka tugambe kino nate: abo bokka abalongoofu mu mutima be baliraba Katonda. Abo bokka abaliba beteeseteese be baliyitibwa ku mbaga ey'obugole. Abo bokka abalina obumanyirivu obw'obununuzi bwonna n'okutabagana era n'okusonyiyibwa era n'okuzibwa obuggya kwonna, abo bokka abalina obumanyirivu okujjuzibwa n'okuteekebwako akabonero ak'omwoyo omutukuvu be balituuka ku ntiiko yakyo.

Mu kumaliriza okw'okulagibwa kuno, buli muntu yenna nate ajukkire Mukama waffe kye yateekako esira mu Matayo 17:11. *"Eriya ajja ddala, alirongoosa byonna."* (Makko 9:12). Oluvannyuma lw'obuweereza bwa Yokaana omubatiza, Mukama waffe yaddiggaana ekyawandiikibwa mu kitundu eky'okubiri eky'ekisuubizo ekisembayo mu Malaki 4:6 nti okuyita mu buweereza bwa Eriya, emitima

gy'abaana ba Katonda nate ziri kyusibwa eri emitima gy'abakitaabwe abatume.

Leero tusoobola okujulira: Ebyawandiikibwa bituukiriziddwa; Mukama waffe kye yayogera kituukiridde. Buli njigiriza eya Baibuli erongooseddwa, okusookera ddala obulamba bwa Katonda, eky'okulabirako nti Katonda tali mu bantu bassatu abataggwaawo, naye nti yebikkula yennyini nga kitaafe mu Mwana era n'okuyita mu mwoyo omutukuvu mu kkanisa. Mu kugenda mu maaso okubatizibwa okw'amazi okwa Baibuli mu Linnya lya Mukama Yesu Kristo okw'abo abafuuse abakkiriza (Ebikolwa eby'atume 2:38:41) kwa rongoosebwa. Obubaka obusembayo bw'ateeka ebintu byonna ku musingi ogw'asooka ogw'abatume ne bannabbi, Yesu Kristo yennyini nga ly'ejjinja ekulu ery'okusonda.

Mukama waffe akoze ebintu ebikulu, era kaakano tuli kumpi nnyo okutuuka ku kumaliriza kw'ekyo ekiribaawo ng'okukomawo kwa Kristo tekunnabawo. Twebaza Katonda ku lw'ekyo mu Yesu, Erinnya etukuvu. Amiina.

## Okwagaliza ebirungi eri engendo ez'obuweereza

Mu myaka kkumi egiyise, n'ateeka ddala esabbiiti eza buli mwezi biri kumabali nga z'agendo za buweereza, bulijo mu ngeri bw'etyo nti soobole okubeera mu Zurich ku lw'obuweereza ku lunaku olw'olubereberye mu nnaku omusanvu era ne mu Krefeld ku gandalo erisooka obuwanvu bw'olugendo n'atambula obuwanvu bw'obukadde 15 mu bbanga. Bw'entyo n'esoobola okubuulira mu bibuga bingi mu mawanga 165 mu nsi yonna.

Kaakano mpezeza emyaka 86 newakubadde ndi mu bulamu bulungi obukadde butataganye okutambula kwange, okulaba, era n'okuwulira, n'olwekyo engendo empavu kaakano tezikyasooboka. Naye okuyita ku mitimbagano buterevu, abakkiriza bonna mu mawanga gonna basoobola okuwuliriza okubuulira mu nnimiez'enjawulo era ne balaba enkunggana zaffe mu ngeri bw'eti, Okulabirira eby'omwoyo mu nsi yonna efuuse esoboka, nga abakkiriza bangi mu nsi yonna mu kusima bakakasa.

Soobola okwogera: Mukama, kaakano leeka omuweereza wo awumule mirembe kubanga obuweereza obusembayo bulangiriddwa mu nsi yonna. Amaaso gange galabye okutuukirira okw'ebisuubizo eby'ebiro bino. Abakkiriza bonna ab'amazima bagenda kubeera

n'obumanyirivu bw'ebintu byonna Katonda by'agenda okukola, okutuusa ku nkomerero. Yakisuubiza era, bwekityo alikituukiriza.

Okusingira ddala abo abatwegaseko mu myaka emitono egiyise okuva mu nsi yonna, njagala olabe mu bumpi ebyo ebikwata ku bulamu bwange:

Mbadde mbuulira mu Makkanisa ag'eddembe ag'abapentakoti okuva mu 1952. bwe n'asooka okusisinkana ow'oluganda Branham mu kifo ekiyingirwamu eky'ewuteli mu mwezi gw'omukaaga 15, 1955, Nnabbi y'angamba, "Oli muweereza ow'obubaka," era n'asoga ku mukono gwa kkono n'agamba, "Mukazi wo ayimiriddde awo mu kifo ekiyingirwamu." awo ne tukwatagana emikono ne twogerezeganya akaseera katono. Okuva mu 1958 n'okweyongerayo n'akyusa okubuulira kw'ow'oluganda Branham mu lulimi olu Germany.

Mu mwezi gw'okuna 2, 1962, Mukama yennyini y'andagira ne ddoboozi lye okubuulira enjiri mu bibuga ebirala.

N'olwekyo n'alina okwogerezeganya kuwanvu n'ow'oluganda Branham mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 3, 1962, mwe yakakasa ekiragiro ekyapebwa n'okubikkulirwa mu bajulizi babiri. Mu butuufu oluvannyuma lwa kyo y'agamba okubuulira mu kifo kye mu Los Angeles ku lwa Demos Shakarian era ne ku lwa Earnest Hotton mu Oakland, Oregon. Era ye yongera n'angamba okukyalira Henry Martin mu Edimonton, Canada, singa kisooboka, embuulira ze eza teekebwa ku ntambi nazo zali zizanyibwa nga ziwulirwa. Era n'alyoka ampereza amaanya era n'enamba ez'amasimu ez'ab'oluganda. Ku nkomerero y'okwogerezeganya kwaffe, n'angamba nti, "Ow'oluganda Frank, bw'ogenda ku lugendo olw'okubuulira mu India, kuba esimu ery'ow'oluganda Paul Lawrie. Yali mu nkunggana mu Bombay, Mubuulizi w'enjiri n'ajja mu USA era n'abatizibwa era n'abatizibwa wano mu weema mu linnya lya Yesu Kristo."

Mu 1964, nasooka okukola olugendo lwange olw'obuweereza okugenda mu buyindi, awo n'alaba abantu enkkumi nga b'ajja mu nkunggana era abakkiriza nga 300 ne babatizibwa oluvanyuma lw'okubuulira. Ku lugendo nga nkomawo, n'akyalira Yoludani ne Isiraeri.

N'okufa kw'ow'oluganda Branham mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 1965, ebiro by'ekiseera eky'omugaso byatuuka ku nkomerero yabyo.

Ensula empya n'etandiika, era ne n'angirira obubaka obw'ekigambo nga Katonda bwe yalagira mu nsi yonna, okusooka mu Germany, Austria, era ne Switzerland era ne bulaya yonna n'oluvannyuma mu nsi yonna. Mu kugata ku mbuulira mu nkunggana ez'okusinza n'akozesa buli kakisa konna okulangirira Ekigambo ekyabikkulwa okuyita ku Radio ne mikutu gya Tv, okuyita mu baluwa era n'ebitabo.

Ku mazika ga Nnabbi mu mwezi gw'okuna 11, 1966, n'akyaza Ow'oluganda Pearry Green okujja okuwa obujulizi ku ekyo amaaso ge kye galabye Mu buweereza obw'ow'oluganda Branham era ne kyabadde alaba mu nkunggana. Eky'omukisa omubi yatubuulira amawulire gokka okuva mu bulamu bwa nnabbi. Mu kubuulira kwe okw'asooka mu Krefeld, n'agamba, mu ssanyu, "Mu kwolesebwa, nnabbi yalaba calenda eyebikkula yennyini era negalwawo mu mwaka 1977." Kyalangiririrwa nti mu 1977 buli kintu kyalina okuba nga kiwedde era okutwalibwa mu ggulu kwali kulina okubaawo. Nali muvunuzi we era n'engyogera ebigambo mu kitabo kyange ekyasooka mu 1966. Oluvannyuma n'akinonyerezako n'ensanga nti nnabbi Branham teyayogerako ku Calenda.

Omwaka 1977 bwe gw'ajja ne gugenda enjigiriza empya n'egunjibwawo nti okuzuukira kulina okubeerawo mu kiseera ky'amusisi ekinene ku lubalama lw'enyanja olw'ebugwanjuba bwa USA, era nnabbi n'alyoka amaliriza obuweereza mu Weema. Omu ddala tayinza kw'eteekako enjigiriza yonna ey'obulimba – oba oyononye ebiseera.

Awatali kugenda mu bingi eby'ebuziba ebikwata ku nsonga y'esomo ebyayogerwa n'omubuulizi okuva mu USA, kino kirina nate okwogerwa: si n'omu kubo eyali ayinza okwogera nti yaweebwa ekiragiro. Tewali n'omu eyabuulira Ekigambo; bonna kubo b'ayogera ensonga zaabwe ezali zitegekeddwa, era bali bakwatibwako ebigambo byokka bye yayogeranga: "Nnabbi yagamba, …"

Ngamba bino olw'ekitiibwa kya Katonda: sivangako n'olumu ku Kigambo era n'ezikkiriza okuvunuula. Ekyo kyaleetera ab'oluganda okunwanyisa kubanga bo bateeka ebigambo ebyayogerwa nnabbi waggulu okusinga Ekigambo era tebakkiriza Ekigambo ekyawandiikibwa ng'obuyinza obw'enkomeredde.

N'egulyoka gutuuka omwaka 1979, omulabe bwe yasiga okubuusabuusa ku kilagiro okusoobola okukola ndabike ng'atasanidde era b'asanyewo ekkanisa. Nali ku kituti, mu kiseera ekyo, katono nnyo

ng'olukunggana luli kumpi kukomenkerezebwa, omukazi yayooganira waggulu, "Buli kintu wano ky'abunanfusi! Fuluma, leeka ekizimbe kino era tokomawo, kubanga buli kintu wano kiwedde emirembe n'emirembe!" buli muntu akkiriza ekyo eddoboozi ly'omukazi kye yayogera akaseera akayise teyayingira ekizimbe nate n'okutuusa olunaku luno. Abo abakkiriza eddoboozi lya Katonda kye lya yogera mu mwezi gw'okuna 2, 1962, era Ow'oluganda Branham n'akikakasa mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 3, 1962, mu maaso g'abajulizi b'abiri, b'atambula okuva mu nsi yonna n'ebajja mu kizimbe. Era abantu bangi enkkumi batwegatako ku mikutu gy'emitimbagano ne bawulira Ekigambo ekilongoofu ekye kiseera kino. Mukama yakuma Ekigambo kye era n'atakkiriza mulabe okusanyawo omulimu gwe.

Ekitundu eky'okubiri ekye kilagiro ekya Katonda ekyaweebwa mu mwezi gw'omukaaga 11, 1933, eky'okulabirako nti obubaka buli tw'alibwa mu nsi yonna kitukkiriziddwa mu maaso gaffe. Mu Matayo 24:14 Mukama waffe yennyini n'agamba, *"N'enjiri eno ey'obwakabaka eribuulirwa mu nsi zonna, okuba omujulirwa mu mawanga gonna awo enkomerero n'eryoka ejja."*

Ow'oluganda Branham yali yalagirwa mu mwezi g'wokusatu 1962 okutereka emmere, nga bwe yakyogerako mu mwezi gw'okuna 1. bwe yayogera ku bikwata ku kabonero ak'omusanvu, yakyuka eri ow'oluganda Neville oluvannyuma lwe dakika 10 n'agamba, "Kaakano emmere eterekeddwa." ku lunaku olubereberye mu nnaku musanvu, omwezi gw'omwenda 19, 1976, Mukama n'ayogera nage n'eddoboozi edene: "Omuddu wange, n'akuteekawo nga Matayo 24, olunyiri 45 okutuuka 47, okubawanga emmere yabwe mu kiseera kyayo." Kiyisiza eri bonna ab'oluganda abaweereza era n'abantu ba Katonda. Bonna abalonde bakkiriza buli Kigambo kya Katonda era ne bawa ekitiibwa okusalawokwe. Embaga ku mezza eyateekebwateekebwa eya Mukama.

Nange ndi muntu buntu nga Eriya, Pawulo, oba 'ow'oluganda Branham, naye n'akyo kifuufu nti nkoze omulimu gw'ennyini Mukama gwe yampa. Tewali kyetagisa okuddamu ebiragiro n'obumanyirivu bw'amanyi ga Katonda ago Mukama kyampadde emyaka gyonna. N'ayogera bino mu bbaluwa nyingi. Buli bumanyirivu bw'amaanyi ga Katonda butuufu; Katonda ye mujulizi wange. Nga Pawulo n'ow'oluganda Branham, soobola okwogera ekiseera era n'ekifo buli kintu we kyakolebwa.

Ku lw'ekisa kya Katonda, soobola okuwa obujulizi nga Pawulo nti n'ayitibwa *"Pawulo omuddu wa Yesu eyayitibwa okuba omutume,*

*eyayawulirwa enjiri ya Katonda gye yasuubiriza edda mu bannabbi be mu byawandiikibwa ebitukuvu."* (Abaruumi 1:1-2) era ku lw'ekyo nkoze omulimu Katonda gwe yandagira. Nga Abafiripi 1:6 Mukama yennyini alituukiriza omulimu gwe: *"Nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza olkutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo."*

*"N'addamu n'agamba nti kino kye Kigambo kya Mukama eri Zerubbabere nga kyogera nti si lwa maanyi so si lwa buyinza naye lwa mwoyo gwange, bwayogera Mukama ow'ejje."* (Zekkaliya 4:6).

In His Service,



**Obubonero bw'ekiseera**

**Hevenu Shalom Alechem**

Tuli kulaba obunnabbi bwa Baibuli nga butuukirira. Ekyuka kyuka y'obudde. Kyayogerwa era kino kikwatira ddala ku bantu ba Isiraeri era n'okukomawo kwabwe mu nsi ensuubize.

Ka tutunulire ekalakalira Katonda kye yalangirira okuyita mu Nnabbi Isaaya esula 30, olunyiriri 26:

*"Era omusana gw'omwezi guliba ng'omusana gw'enjuba, n'omusana gw'enjuba gulyeyongera emirundi musanvu ng'omusana gw'ennaku omusanvu, ku lunaku Mukama lwali sibirako ekinuubule eky'abantu be n'awonya ekiwundu eky'okufumitibwa kwabwe."*

Okukyuka kyuka okw'embeera ey'obudde n'okubuguma kw'ensi kuva ku maanyi g'enjuba okuba ekizuukusa mu tulo abantu bonna? Musisi n'embeera y'obudde endala yonna nga bibaawo wano n'awali, naye enkyuka kyuka y'embeera y'obudde ya nsi yonna.

*"Okwo kwe kuteesa okwateesebwa ku nsi yonna: era ogwo gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna, kubanga Mukama ow'ejje ye yateesa, era ani alikijulula? N'omukono gwe gugoloddwa, era ani aliguzzaayo?"* (Isaaya 14:26-27).

Abantu bategedde nti enkyuka kyuka ey'embeera y'obudde era n'okubuguma kw'ensi kweyongedde okugenda mu maaso era beyongera okunoonya ebisoobola okuyamba. Eby'obulimi ebituuwa emmere, mazima ddala nabyo bikoseddwa. Kino kigenda kileeta enjala mu nsi yonna. Ng'oggyeko ebiragibwa n'entegeka zonna okukendeza emirimu gya CO2, obunnabbi obwawandiikibwa mu byawandiikibwa ebitukuvu obwe kiseera kino bugenda kutuukirira.

Ebyawandiikibwa mu Baibuli mu bulambulukufu bilaga nti okweyongera okw'emirundi omusanvu mu maanyi g'enjuba kyegatira ddala n'okulongoosa okw'obukosefu obukoleddwa ku Isiraeri.

Omudumizi omukulu ow'amajje g'abaruumi yasanyawo Yeekaalu era n'amenyamenya Yerusaalemi mu AD 70, era abayudaaya ne babuna ensi yonna. Mu kiseera kya Constantine, ng'ekkanisa ey'abaruumi eyeggwanga bwe yatondebwawo wansi wa Athanasius, abayudaaya bali te bakkirizibwa okukuma Sabbiiti mu AD 321, era n'amasinzizo ne gafulibwa ebiyumba by'ente. Mu kiseera ekyo, abakristayo n'abali batagala bayudaaya ne butandika, okw'eyongera n'okutuusa leero.

Okusingira ddala mu biseera by'abattanga abantu ekiridi nga kiragirwa ne ba Papa, abayudaaya bafuna okubonaabona okunene. Ekiragiro ky'okuyita kyali: "okuwalana omusaayi gwabo abakomerererwa ku omu kubo!" okutta abantu ekiridde kw'ali okuva 1069-1099 era ne kuleeka abantu abasuka 7,000, abayudaaya era n'abantu abalala nga batiddwa. Ekisembayo kyaliwo okuva 1248-1254. omuwendo gw'abantu bonna abattibwa te gumanyiddwa bulungi, oba kakumi oba nkkumi oba akakadde kamu. Mu kutta ekiriddi abayudaaya mu bulaya, bali bantu bukadde mukaaga obw'akosebwa.



Leka tukyogere nate omulundi omulala okweyongera emirundi omusanvu okw'amaanyi g'enjuba okwayogerwako ku kwatagana ku kukomawo kw'abaana ba Isiraeri mu nsi ensuubize. Okuva mu mwezi gw'okutaano 14, 1948, waliwo nate Eggwanga lya Isiraeri, era n'amaanyi agatereddwawo okuleeta emirembe mu makati g'ebuvanjuba gali mu bumalirivu bwonna. Ebiwundu ebyatuusibwa ku bantu ba Isiraeri biri mu lugendo lw'okuwonyezebwa.

Bonna abakulembeze b'amawanga balina okuwa ekitiibwa ebyo byokka ebyawandiikibwa ebituufu, eky'okulabirako Baibuli/the Torah. Ebitabo ebitaano ebya Musa mu lulimi oluebbulaniya. Mu byawandiikibwa bino ekintu ekikulu ennyo mu Yerusaalemi n'olusozi lwa Yeekaalu.

Okusinzira ku Lubereberye 22, Ibulayimu yali yalagirwa emyaka nga 4000 egiyise okuwayo omwana we Isaaka ng'ekiweebwayo ku lusozi Moliya, oluvannyuma n'elufuuka olusozi lwa Yeekaalu: *"N'ayogera nti twala kaakano omwana wo omu, gw'oyagala, ogende mu nsi Moliya; omuweereyo okuba ekiweebwayo eky'okebwa ku lumu ku lusozi lw'endikugambako."* (v. 2).

Okusinzira ku 1Ebyomumirembe 21:18-25, Dawudi yaleeta egguuliro lya Olunaani omuyebusi: *"Awo malayika wa Mukama n'alagira Gaadi okugamba Dawudi, Dawudi ayambuke, azimbire ekyoto eri Mukama mu gguuliro lya olunaani omuyebusi. ... awo Dawudi n'awa olunaani okugula ekibanja sekere eza zzabu ezipimibwa*

*lukaaga."* Ekyo kye kyandibadde omuwendo ogw'ensimbi kaakano oguli mu 660,000 U.S. Dollars.

Okusinzira ku 2 Ebyomumirembe 3, Sulemaani yazimba Yeekaalu ku lusozi Moliya – olusozi lwa Yeekaalu: *"Awo Sulemaani n'atanula okuzimba ennyumba eyamukama eyerusaalemi ku lusozi Moliya Mukama kwe yalabikira Dawudi kitaawe, gye yateekateeka mu kifo Dawudi kye yalagira mu gguuliro olunaani omuyebusi."* Njagala gwe ow'ekitiibwa Katonda Elohim era n'ekigambo kye, Baibuli ne Torah.

Tulina abajulizi bassatu abalondebwa ne Katonda, ekyokulabirako Ibulayimu, Dawudi ne Sulemaani, ab'ogerwako ku bikwata ku Yerusaalemi era n'olusozi lwa Yeekaalu. Ebyawandiikibwa ebyo ebissatu bijulira nti tewali muntu mulala yenna alina obuyinza okugamba nti ye nannyini Yerusaalemi era n'olusozi lwa Yeekaalu.

Leka tutunulire ku byawandiikibwa bitono ebyogera ku kukomawo kw'abantu ba Isiraeri. Amazima tegayinza kuganibwa n'omuntu yenna.

*"Kubanga Mukama alisasira Yakobo, era, bw'alimala, n'alonda Isiraeri, n'abateeka mu nsi yabwe: n'omugenyi alyegatta nabo, era balyetaba n'ennyumba ya Yakobo."* (Isaaya 14:1).

*"... komawo, ayi omuwala wa Isiraeri, komawo mu bibuga byo bino."* (Yeremiya 31:21b).

*"Era Mukama alisikira Yuda, okuba omugabo gwe mu nsi entukuvu, era alyeroboza nate Yerusaalemi."* (Zekkaliya 2:12).

*"Mazima Mukama Katonda taliiko kyakola wabula ng'abikkulidde abaddu be bannabbi ekyama kye."* (Amosi 3:7).

*"N'ensi eyaleekebwangawo eririmibwa, naye yabanga nsiko mu maaso ng'abo bonna abayitawo. Kale balyogera nti ensi eno eyaleekebwangawo efuuseng'olusuku eddeni; ng'ebibuga ebyazika ebyaleekebwawo bikoleddwako enkomera, abantu ne babituulamu."* (Ezeekyeri 36:34-35). Ebyawandiikibwa bino byonna bituukiriziddwa mu maaso gaffe.

Mu nnabbi Ezeekyeri, esula 47, Yeekaalu empya eyazimbibwa eyogerwako mu bujuvu. Mu sula 48, ebika 12 ebya Isiraeri bilagibwa nate mu matwale gabwe nga bwe bali mu biseera bya Yoswa, nga Katonda bwe yabateekerawo.

Omusango gulangiriddwa ku abo abayawula Isiraeri: *"Kale ndiyima eyo n'empolereza abantu bange n'obusika bwange Isiraeri bebasaasaanyirizza mu mawanga ne bagabana ensi yange."* (Yoweeri 3:2b).

*"Awo olulituuka ku lunaku luli ndifuula Yerusaalemi ejjinja erizitowa eri amawanga gonna; bonna abalyebinika balifumitibwa nnyo ebiwundu; era amawanga gonna ag'ensi galikuggaana okukilwanisa."* (Zekkaliya 12:3).

Tewali muntu yenna ayinza kuziyiza ekyayogerwa mu obunnabbi bwa Baibuli eri ebiro by'ekiseera kino.

*"Era walibaawo n'obubonero ku njuba ne ku mwezi ne kummunyeenye; ne ku nsi amawanga galinakuwala, nga basamaalirira olw'okuwuma kw'ennyanja n'amayengo…"* (Luka 21:25).

Buli kintu ekyayogerwa mu bunnabbi bw'ebiro by'enkomerero ku Isiraeri kaakano kiri kutuukirira. Ekyuka kyuka ey'obudde n'okubuguma kw'ensi kilaga ddala kino ng'obubonero obw'ebiseera.

Nnabbi Isaaya kye yayogera kisigala nga ky'amazima, era mu butuufu tusoobola okwogera nti: Ekyawandiikibwa kino kituukiriziddwa mu maaso gaffe. Katonda wa Isiraeri alongoosa ebintu byonna eri abantu be era n'awonya ebiwundu ebyabateekebwako (Isaaya 30:26).

*"Naye amaaso gammwe galina omukisa, kubanga galaba; n'amatu gammwe, kubanga gawulira."* (Matayo 13:16).

*"Awo Mukama aliwuluguma ng'ayima esayuuni, alileeta eddoboozi lye ng'ayima eyerusaalemi; n'eggulu n'ensi birikankana: naye Mukama aliba budukiro eri abantu be era ekigo eri abaana ba Isiraeri. Bwe mutyo mulimanya nga nze ndi Mukama Katonda wammwe, abeera ku Sayuuni olusozi lwange olutukuvu: kale yerusaalemi kiriba kitukuvu, so tewaliba banaggwanga abalikiyitamu nate."* (Yoweeri 3:16-17).

*"Ku lunaku luli Mukama alizimbira abali mu Yerusaalemi; aliba omunafu ku bo ku lunaku luli alibeera nga Dawudi; era ennyumba ya Dawudi eriba nga Katonda, nga malayika wa Mukama ali mu maaso gaabwe."* (Zekkaliya 12:8).

Amawanga gonna ku nkomerero galitegeera kino.

Hevenu Shalom Aleichem

Bwo banga oyagala ku bitabo byaffe, oyinza okutuwandiikira ku ndagiriro zino wansi


Mission Center

P.O Box 100707

47707 Krefeld

Germany


Oyinza okutufuna ku mitimbagano enkuggana zaffe ezibaawo ku buli gandalo erisooka mu mwezi ku lw'omukaaga ebiseera bye ky'egulo 19:30h (Central European Time), Sabbiiti ku makya 10:00 h. Embuulira ziwulirwa mu nnimi 15 ez'enjawulo mu nsi yonna. Ba kitundu mu ebyo Katonda byali kukola kaakano okusinzira ku ntegeka ze ez'obulokozi!

You can find us on youtube.com under “Apostolic Prophetic Bible Ministry”


Homepage: http://www.freie-volksmission.de

E-mail: volksmission@gmx.de

Fax: +49-2151/951293

by the author and publisher E. Frank